**11th March 2018.**

# ISIRAYIRI EGWA, MU KUSINZA BAKATONDA ABALALA. I.

**Okuva 32:1-14.**

Mu ssuula yaffe leero, tulaba engeri gye kyoogerwa nti "Oyinza okujja omuntu mu kyaalo mu bwangu, naye ssi kyangu kujja kyaalo mu muntu". Mwe tulabira ekibi mu mbala z'abantu bwe kituyinza embagirawo ne mu kubeerwa kwa Mukama.
Nate tulaba obwegayirizi bwa Musa, musajja wa Mukama Katonda, kyokka naye eyali omuntu obuntu era omwonoonyi nga bonna.
Netulaba n'obusaasizi awamu n'ekisa kya Mukama Katonda kyokka ate awamu n'obwenkanya bwe. [Though He is so merciful and gracious, He still is a just God].

Twaaleka Mukama awa Musa ebipande eby'amayinja ebibiri kwe yali awandiise amateeka g'Endagaano Ye ne Isirayiri. Kyokka emmanga mu nsiisira z'abaana ba Isirayiri, omulabe yali alumbye – Sitaani w'omwoyo gw'obugyeemu n'abayinza.

Tusome lnny.1…..
Okulwaayo kwa Musa, kw'abelabiza ebyo byonna bye yali abakoledde, era ne Katonda waabwe eyali abimukozesezza?!......
Lwaki tebaamukungubagira? Nebasaba Alooni abakulembere mu kifo kye?
Bwe tukiraba nti obujeemu eri obukulembeze buba bujeemu eri Mukama Katonda abussaawo…
Kino kyefaananyiriza ekya Kabaka Saulo, bwe yakoowa okulindira nabbi Samwiri, (I Sam. 13:8..) Ekyamuleetera entandikwa y'enkomerero.
Nate ate naffe kitusoomooza obutakoowa kulindira Mukama waffe Yesu Kristo, eyatugamba nti akomawo, emyaka mingi nnyo edda. Ng'abalowooza nti k'aludde, talidda! (II Pet. 3:3,4)[Oyinza okusoma okutuusa 13 mu biseera byo.]
[Ddamu osome lnny. 1]….Amangu ago abeeyama oggondera ebyo byonna ebyabalagirwa nga bwe twaasoma bagamba mu ssuula 24:7[N'asitula Ekitabo ky'Endagaano, n'akisomera abantu nga bonna bawulira. Ne bagamba nti, "Ebyo byonna Mukama by'agambye tujja kubikola; era tunaamugonderanga." ]. Beerabidde ebisookerwaako ku bbyo ssuula 20:2-5….

Oohh, kino nga kitalo nnyo,! okuba nti baabyogera n'embuto ezijjudde emmaanu, naye tweekubemu ttooki oba naffe ssi bwe tuli……
Abeerabira Mukama, amateeka ge, n'ebisuubizo bye byonna awamu n'obujulizi bw'ekisa kye gyetuli ekitubeerera ekijja buli makya. Mukama atusaasire.

Tweyongereyo okusoma nny.2-6…..
Alooni eyali alekeddwa Musa okusala emisango, n'okumala ensonga zonna awamu ne Kuuli (24:14)[ekigambwa nti ye bwe yabigaana baamukuba amayinja n'afa, ky'ava taddamu kuwulirwaako]. Ate olw'okutya abantu okusinga okutya Mukama, agendera ku bye bamusaba. Nga Baibuli bwegamba mu Ngero 1:7 "Kale mu kutya Mukama amagezi mwe gasookera, ate Ngero 29:25 "Okutya omuntu kuleeta ekyambika, naye buli eyeesiga Mukama anaabanga mirembe."
Nga tukyeebuuza oba teyalinaamu magezi gagaana ebyo byonna, waakiri okubyesamba, n'era tweekakase nti ssi bwe guli naffe kennyini?!

Nny.7-10…..
Tukiraba nti ne gyebaali waggulu ku lusozi, Mukama yali alaba bulungi era awulira byonna ebyaali bigenda mu maaso mu nsiisira z'abaana ba Isirayiri.
Era nga bwaalaba byonna, ne bye tukola ekiro, kabe kasinge ne bye tulowooza munda mu ffe, n'amanya bulungi kki kye tuli…- ne bwe tulimba abalala oba okwelimba.

Tulaba obwegayirizi bwa Musa obusooka ng'akyaali waggulu ku lusozi..11-14….
Aba kuba ggwe, tewandyeyanzizza Mukama nti wewaawo, nze gw'oba ofuula eggwanga ekkulu!?
Naye mu Musa, tuyigirizibwa obweetaavu bw'okwegayiririra abantu bonna, naddala abaagalwa ebeŋŋanda zaffe n'emikwano. Mukama atusaasirire wamu nabo, tumujjukize ebisuubizo bye nga I Yok. 1:9 "Naye bwe twatula ebibi byaffe, ye mwesigwa era mutuukirivu okutusonyiwa n'okutunaazaako obutali butuukirivu bwonna." Oba Isaaya 1:18 ""Mujje nno tukubaganye ebirowoozo," bw'ayogera Mukama; "ebibi byammwe ne bwe biba ng'olugoye olumyufu binaafuuka byeru ng'omuzira, ne bwe binaaba bitwakaavu nga langi emyufu enkwafu, binaatukula ng'ebyoya by'endiga."
Era tulaba nti lnny.14….      Tusabe……….